

## 135. *TE DEUM, GGWE KATONDA TUKUGULUMIZA*


**Fr. James Kabuye**




## *ANGELIC ACCLAMATION*

**arrang. J. K. Makubuya**






2. Ggwe gwe batendereza Bamalayika bonna, N'eggulu n'amaanyi gonna we gafa genkana
Ne Bakerebimu ne Basserafimu, bakowoola obutassa nga bakuyimbira.

3. Mutuukirivu Mutuukirivu, Omukama Katonda ow'obuyinza,
Bijjudde ensi n'eggulu obukulu bw'ekitiibwa kye ekyo.

4. Ekibinja ky'abatume eky'ekitiibwa, n'abalanzi ab'ettendo bakutendereza,
Eggye ly'abajulizi eritemagana ennyo, Likutendereza.

5. Mu nkulungo y'ensi yonna w'efa ekoma, Eklezia Omutukuvu.
Ggwe Patri ow'obukulu obutagereka akutendereza.

6. Wamu n'Omwana wo omu Omutiibwa, gwe wazaala yekka oyo,
Wamu ne Mwoyo Mutuukirivu omukubagiza akutendereza.

7. Ggwe Yezu Kristu Kabaka ow'ekitiibwa oli Mwana wa Patri ataliiko kusooka,
Bwe wateesa okulokola omuntu wagaana okwenyinyala enda y'omubiikira.

8. Ggwe wawangula olumbe, n'oggulira abakukkiriza obwakabaka bw'eggulu.
Ggwe atudde ku gwa ddyo ogwa Katonda mu kitiibwa kya Kitaawo oyo, ffenna tukkiriza ng'olijja okutulamula.

9. Tukwegayiridde nno abaddu bo bajune, be wanunuza omusaayi gwo nno ogw'omuwendo,
Bawe okumenyerwa mu batuukirivu, mu kitiibwa ekitaliggwaawo.

10. Ayi Mukama abantu bo balokole, ezzadde lyo liwe omukisa.
Balunngamye, badduukirire, okutuusa ensi lw'eriggwaawo.

11. Buli kanaku tunaakutenderezanga, ne tugulumiza erinnya lyo ennaku zonna,
Emirembe n'emirembe, kkiriza ayi Mukama olunaku lwaleero luno, okutukuuma nga situkoze kibi.